

08th December 2019.

OKUBEERA KYE TULI - TULEME KUBA KYE TUTALI.

I Abasessaloniika 5:6-8.

Amakya ga leero mu kweyongerayo mu nsomesa zaffe ezikomekkereza omwaka, nga bwe kyayanjulwa omulundi ogwaggwa, wansi w'omulamwa omukulu 'Gw'okubaawo mu ssuubi ly'obulamu obutaggwaawo' (Living in light of Eternity), ogusenziirizibwa mu byawandiikibwa mu ssuula ey'okutaano ey'ebbaluwa ya Paulo eri Abasessaloniika esooka. Mwe twaakiraba, era ne tukakasibwa omulundi ogwaggwa nti "Tuli baana ba musana era abaana b'obutangaavu, ekitugwaanyisa okuba n'empulira y'okubeera kye tuli (sense of belonging).

Era nga bwe twaakireka n'okkubirizibwa tubeere kye tuli – tuleme kuba kye tutali, leero mu nnyiriri zetuneetegereza, tulaba engeri mwe tubeera kye tuli – tuleme kuba kye tutali.

Tusome nny.6-8.....

"N'olw'ekyo"... eki ruwa?... N'olw'okuba nti [Iny. 5] tuli baana ba musana era abaana b'obutangaavu. Abatali ba kiro yadde ab'ekizikiza.

Tukubirizibwa obuteebaka... ng'abalala... naye tutunulenga, okwegomba kuleme okutufuga.

Kitugwaanira okubeera 'alert' ssaawa bina! Obutabongoota,... era ng'omuntu bwe weebuza sseebakeko yadde ekiro, era bwe weetegereza n'okkubirizibwa kwa Yesu Kristo Mukama waffe nga bwe twaakiraba omulundi ogwaggwa mu Matayo 24:42-44, "N'olwekyo mubeere beetegefu, kubanga olunaku Mukama wammwe lw'aliddirako temulumanyi. Nga ssemaka bw'akuuma amaka ge nga yeekuuma omubbi, n'asigala ng'atunula, n'ataganya mubbi kumuyingirira, nammwe bwe mutyo mweteeketeke, kubanga Omwana w'omuntu alijjira mu ssaawa gye mutumulowoolezaamu."

Ebyakalaatirwa ne mu Makko 13:36,37 "si kulwa ng'akomawo nga temumanyiridde, n'abasanga nga mwebase. Kye mbagamba mmwe, kye njamba buli muntu, mwekuume."

Eky'okulabirako tukirina mu Matayo 26:36-46, Yesu yakanda ggamba bayigirizwa be batunule basabe, olw'okuba wadde omwoyo ayagala okusanyusa Mukama, omubiri munafu nnyo mw'ekyo.... ebyaddirira tubimanyi nkiwa...

Omutume Paulo yagamba mu Baruumi 13:11, “Mumanye nga kino kye kiseera, era essaawa etuuse mugolokoke okuva mu tulo, kubanga kaakano obulokozi bwaffe buli kumpi okusinga ne we twakkiririza.”

Eyo y’engeri fenna abakkiriza mu buli mulembe mwe tugwaanidde okwerindamu nga tutambulira mu ssuubi ly’obulamu obutaggwaawo – nga bwe twaakiraba, nti okumalako kw’omwaka, bukakafu nti tusemberera nkomerero ya bulamu, - obwaffe k’ennyini ssinakindi n’obw’ensi yonna....

Ky’ekifaanani ky’ekimu Peetero kyaatusiigira mu II Pet. 3:8-15.....

Abaefeso 5:14-18 zigamba.....

Kye tuva tubuulirirwa mu Inny 7.....

Abo be balala, abatambulira mu kizikiza, n’ebikolwa by’ekizikiza, era eby’amaanyi g’ekizikiza.....

Naye ffe....Inny. 8....

Ekituzzaayo mu Baruumi 13:12-14 “Ekiro kiyise, obudde bunaatera okukya, n’olwekyo tweyambulemu ebikolwa eby’ekizikiza, twambale eby’okulwanyisa eby’omusana. Tutambulenga ng’ab’omu musana, so si mu binyumu ne mu kutamiira, ne mu bwenzi n’obukaba, ne mu kuyombagana n’obugya, naye twambale Mukama waffe Yesu Kristo so tetuwanga mubiri bbanga kukola ng’okwegomba kwagwo bwe kuli.”

Era ebikalaatirirwa mu Baefeso 5:1-21.....

[Inny.8] Okukkiriza n’okwagala bigwaanidde okuba mu mitima gyaffe buli kiseera. N’essuubi ly’obulokozi bwaffe mu ndowooza zaffe buli kiseera, bwe tuba ob’okubeera ddala kye tuli – tuleme kuba kye tutali.

Tulina okweyambulako eby’ekizikiza ate twambale eby’omusana, nga bwe twaalaba mu Bakkolosaayi 3:1-10.....

Mu kifo ky’okutamiira eby’ensi – ottufuga nga bitwaala(bimalawo) endowooza zaffe n’obudde bwaffe, tujjuzibwe Omwoyo Omutukuvu, ajjattusobozesa okumanyanga okwagala kwa Mukama mu buli kimu na buli kiseera.